ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by Meli - 2007/10/17 16:23

Ku sunday eno eyise eya 14-10-07, Queenie yaze nakasaasi keyabadde akozesa nga akade. Ebyo kyabadde kyakugezesa okusobola okusalawo bbanga ki eriba riweebwa buli mwogezi akubye essimu. Abakiisi mukiike.

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by omumbejja - 2007/10/17 16:49

Ekyo twaali twakisaba dda ndowooza nti eddakiika ettaano zimala gwaate bwekiba nti line yessimu eva ewa Bbakuli netuukaku Crested towers ngomuntu omu yeyemmala eggoga kumala ssaawa bbiri nnamba ekyo tekiba kya byenkanya kubali mulunyiriri naddala bweeba nga program yabantu bonna abasangibwa munsi enyingi ebweeru.Kuba nze ndaba line bwefuuka eyokujja nakatebe ko otuule olinde lwonoyitamu nokikola emilundi egisukka mu ena, olwa ddaaki ogamba nti osanga ennamba eyange essimu yagizira nobyevirako

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by luutu26 - 2007/10/17 20:07

Ssebo omumbejja nze ntesa nti byalisigade nga bwebibade omuntu nakuba esimu neyemala egoga kuba era tewaja kuba njawulo ababade bakuba bebaja okusigala nga bakuba kati tunulira nga Meli amaze emyezi ena agamba kuba simu naye tagezanga nako kuwandika namba ya studio kati gwe olowooza alivayo di akube. Ebintu tubireke aba ayise atumire abantu bbe

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by omumbejja - 2007/10/18 00:32

Meli mukusooka nnali ndowooza nti bajjajja be bakyadde mu studio era nganinda Queenei akoloobye obuyimba obubaniriza. Yetaaga akube obusaasi obwo ngooli yakagamba nti eno conect ngamaze nokwogera amanya ge tumanye nti awo tujja kufuna abantu abasukkamu naye nga akadde kebalina kakweyanjula bweyanjuzi.Luutu ngabwokyagala bwekijja okusigala tofaayo ffe tujja kuba tuteze amatu.

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by Phad - 2007/10/18 01:36

Nze banange nteesa nti singa buli akuba yekuba mu kifuba,n'afumiitiriza nti singa y'abadde alindirira mu line nga y'addako,yandyagade amusoose aleme kutumira na bukoko bwa mukwano gwa muliraanwa.

Edakika ebbiri n'ekitundu ziba sufficient omuntu okutumira,kale n'okuwaayo joke emu eya 30 seconds.Banaffe ba presenters nsuubira babeera na bingi eby'okututuusaako,naye oluusi nabo kibalema okugamba omukubi w'essimu nti ''owange lekera awo tweyongereyo''.

Ensonga namba biri,ako akade ka Queenie,mpozi nga yaleeta kuyita bazeeyi(ba Jajja),naye sebo ezo ensaasi tezisobola kusisimula muntu aba yebakidde ku ssimu.

Enamba esembayo,nsaba Meli ku luno eby'okwekwatakwata abite,akubire Luutu essimu,ffe abawuliriza tugerageranye amaloboozi,tukigobe oba tukigule nti ddala bava mu nju emu.

Nteesa buteesa banange temunkasuukirira amayinja.

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by cassim - 2007/10/18 14:38

Balamusiza nyo banange mwena mumutima gwa connect,ensonga enno eyokuba essimu ekwata ko nyo kuba ndi omu kwabo abakubbi bessimu,

Naye nzekulwange ddaba kiri eri presenter waffe ,nomulamwa ogubba mu diro ekisera ekyo,kuba atumira edakika sattu(3) tezibba bii, adamu akakunizo edakika nga (4) then waliwo okuwabula nebilala kale preseter yadibade ategeza akubye essimu ekisera kyalina nomutegeza nti oba olyawo ebigabo bibere bitono tono

naye banange mwalabba kumuludi nguli guy yakuba nayogera nga computer kale ne massage sikyiwa nti yatuka nsinga queenei teyamusabba kudamu kukatiliza songa ye

bagala nyo mubere best

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by JeenaJulia - 2007/10/18 20:03

Eddakika zibe 5 for adults and 10 for kids.Muwala wa Nakaggwa,Beat,Sheilla ne Rickman bemaale eggoga wamu nebiligga ebito byonna ebinaba nga bifunye chance okuyitamu.Abo mu chatroom oli bwagamba nti nabona abali mu chatroom nebwaba tamenye manya kasita oba nga oli mu chatroom baba bakutumidde lol.Eeeehh look at them now...sigambye mbu mulekela awo okutumila abo mu chatroom.It just feeeeeels gooood.

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by Phad - 2007/10/19 01:33

JJ eyo generousity gy'oleese ejja kutanula entalo wano.

Nengedde abateesa wali abemulugunya,wabula baganye okubaako kyeboogera!!!

Linda amasasi

==========

Re:ABAKUBA ESSIMU KU SHOW BOGERE KYENKANA WA?

Posted by JeenaJulia - 2007/10/19 06:55

Phad ssebo bangambile emundu baziteleke wala nyoo kuba ntessa butessa.Ate ntya nyoo ebibwatuka olaba mbelenge zokka musepiki zinzilusa emisinde nga zatandise okutulika olwo ate bwelinaba essasi?

==========